# Luganda A: literature – Standard level – Paper 1
# Luganda A : littérature – Niveau moyen – Épreuve 1
# Luganda A: literatura – Nivel medio – Prueba 1

Wednesday 4 May 2016 (afternoon)
Mercredi 4 mai 2016 (après-midi)
Miércoles 4 de mayo de 2016 (tarde)

1 hour 30 minutes / 1 heure 30 minutes / 1 hora 30 minutos

---

### Instructions to candidates

- Do not open this examination paper until instructed to do so.
- Write a guided literary analysis on one passage only. In your answer you must address both of the guiding questions provided.
- The maximum mark for this examination paper is **[20 marks]**.

### Instructions destinées aux candidats

- N'ouvrez pas cette épreuve avant d'y être autorisé(e).
- Rédigez une analyse littéraire dirigée d'un seul des passages. Les deux questions d'orientation fournies doivent être traitées dans votre réponse.
- Le nombre maximum de points pour cette épreuve d'examen est de **[20 points]**.

### Instrucciones para los alumnos

- No abra esta prueba hasta que se lo autoricen.
- Escriba un análisis literario guiado sobre un solo pasaje. Debe abordar las dos preguntas de orientación en su respuesta.
- La puntuación máxima para esta prueba de examen es **[20 puntos]**.



2216 – 0587
© International Baccalaureate Organization 2016

https://xtremepape.rs/

Wandiika nga bwolagiriddwa emboozi ennambulule esengejja n'okukenulula mu bukugu bw'ebiwandiiko ebiyiiye **kimu** kyokka ku biwandiiko ebikuweereddwa. Mu kwanukula kwo oteekwa okussa essira ku bibuuzo byombi ebikulagirira ekyetaagibwa:

**1.**

Nambi: Nze Nambi okunteekako ekifundikwa?

Nalwoga: Ggwe Nambi. Ate nze Nalwoga ku kikwata ku ggwe sijja kwetya. Ssiri nga bali abasajja abakulabako ne bakudduka nga bakutya. Olina ki ggwe Nambi, nze Nalwoga kye ssirina? Mpozzi okuggyako obukadde bw'onsinza!

Nambi: Oba obadde tokimanyi, kati kitegeere nti nze Nambi, nze nzaala Omulangira Chwa, omwana w'eŋŋoma, oba ka nkujjukize nti ali mu lunyiriri lw'okusikira Nnamulondo.

Nalwoga: Nnyabo ng'on'omusikiza mangu nga kitaawe gwe weeteekako nti balo tannafa, sso nga n'olutalo lw'alwana terunnakomekkerezebwa!

Nambi: Ekyo tekinkanga. Kozzi naawe Nalwoga olw'okwesunga nti Kintu anaakuzaalamu omwana?

Nalwoga: Ye nga weeyagadde nnyo olwa Chwa! Ye nga erinnya lye wayiiya eky'okulisalako!! Lwaki tewalireka nga bwe lyali ne tumuyita Buchwano, ensi yonna n'ekiggukamu nga bwe yavaako obuchwano bwa mwannyoko Walumbe okutirimbula abaana ba Kintu, owuwo Buchwano alyoke asigalewo ng'omusika!

Nambi: Naye muwala ggwe ng'onnyingiridde nnyo! Onjagaza ki? Ndaba ggwe kimuli ekyakamulisa. Tokimanyi nti ffe ebimuli ebiruddewo bwe tuggwaamu omubisi gw'enjuki etubuukako ng'enoonyaayo ekyakamulisa? Kati ggwe Nalwoga weetegeke kuzaala musika an'asikira Kintu.

Nalwoga: Nze ne bwe ssiizaale mu Kintu kireme kukwesungisa. Ezzadde lya Kintu terisobola kuggwaawo. Kijjukire nti ne muzzukuzulu wo Kalemeera, mutabani wa Chwa gw'azaala mu Nnakiwala, muwala wa Kisolo, naye waali. Ggwe ate oba abalala obasse olwa Chwa, ne muzzukulu wo Kalemeera on'omutta? Kyokka abakazi temwesigika! Nga ne luno olutalo olusuza balo nga teyeebase terunnaggwa, ggwe nga watandise dda nkwe za kusikiza mwana wo Buchwano? Ne kikutuusa ne ku kuyiwa omusaayi ogutalina musango ng'otirimbula abaana ba baggya bo olyoke osikize owuwo? Kintu ayitirizza n'okukwagala mbu kuba wamuyamba mu buwaŋŋanguse. Abeera mulala singa yattibwa dda.

Nambi: Nalwoga n'eby'okunzita obituuseeko?

Nalwoga: Lwaki sibituukako?

E Kyeyune, *Bemba Musota* (1985)

(a) Yogera ku bazannyi be tulaba mu kitundu kino, nga bwe weekebejja ekibagatta era n'enkolagana eriwo wakati waabwe.

(b) Kubaganya ebirowoozo ku bukodyo omuwandiisi bw'akozesa okutulaga enjawulo wakati w'aboogezi mu kitundu kino ne bye baluubirira.

https://xtremepape.rs/

**2.**

**Weebale Kudda**

Nabeeranga wano nga ndaaga
Nga neevuma lwe wandeka bw'otyo
Natuulanga awo nga nkotese
Mutwe ne gunnuma ng'omusale
Kati nsiimye weebale kudda.

Nsonyi nazifuula ate busungu
Mwenge nga gumpaga nga lupiira
Birowoozo byandiza nnyo oluusi
Musango bambi gwasinga nze
Nsanyuse okkulaba weebale kudda.

Nabonerera siridda kwasa bbidde
Nga lyansubya eggagga omwenge mukyamu
Kibanja kye nasinga kye nanunudde
Kikyo ggwe n'abaana onaalimira okwo
Kubanga bwe nsanyuse nkwebaza kudda.

Waliwo n'ekirala enyingo empya eno
Tugattibwe ediini ekuuma ababiri
Lugoye lw'oyagala onoolabira awo
N'akanyama akasava onoolyanga ako
Sukaali n'otuzigo toobyosenga
Birungi by'oyagala toobisubwenga
Ssanyu nga limpitamu nkwebaza kudda.

Basajja banange ekintu kuwuula
Kimalamu amaanyi n'okomawo eka
Ne wakuzimbirira weewunika otyo?
Kyenvudde nsiima owange mu kudda.

T Kagera, *Ebitontome Ebiteesiba* (1977)

(a) Weekebejje era onnyonnyole ku bifaananyi n'ebisoko omuwandiisi by'akozesa okulaga ng'omwogezi mu kitundu ky'ekitontome kino bw'asiima munne olw'okudda.

(b) Kubaganya ebirowoozo ku ngeri omuwandiisi gy'akozesaamu olulimi okulaga ekyavaako ebizibu ebituuka ku mwogezi mu kitundu ky'ekitontome kino.

https://xtremepape.rs/